# ENKOLA EGOBERERWA KU LW'OBUKUUMI N'OKUFUNA OBUMATIVU BW'OMUTINDO GWE BYENNYANJA EBIBISI MU BATUNZI ABALEJJALEJJA



THE REPUBLIC OF UGANDA

Ministry of Agriculture,
Animal Industry & Fisheries
Directorate of Fisheries Resources


UNBS

## ENKOLA EGOBERERWA KU LW'OBUKUUMI N'OKUFUNA OBUMATIVU BW'OMUTINDO GWE BYENNYANJA EBIBISI MU BATUNZI ABALEJJALEJJA

## CONTENT


1.0 EMITENDERA EGIYITIBWA MU KWONGERA OMUTINDO KU BYENNYANJA EBIBISI
2.0 OKUVUBA
3.0 ENKWATA Y'EBYENYANJA NKU LYATO
4.0 OKUKOZESA BBALAAFU OKUKUUMA EBYENNYANJA
5.0 OKULONGOOSA EBYENNYANJA
6.0 OKUBIRONDOBAMU KU N'OKUBISSA MU MITENDERA
7.0 EBISOOKERWAKO MU KULONGOOSA EBYENNYANJA (OKUBAAGA, N'OKUJJAMU EBYENDA)
8.0 EGERI YOKUJAMU KASASIRO AVA MU BYENNYANJA
9.0 OKUSIBA / OKUSABIKA
10.0 OKULAMBA
11.0 ENTEREKA


## 1.0 EMITENDERA EGIYITIBWA MU OKWONGERA OMUTINDO KU BYENNYANJA EBIBISI



## 2.0 OKUVUBA

### 2.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Envuba embi eretera ebyennyanja okuba n' enkwagulo.
b) Okuvubira ewala ennyo n'okutwala obudde obuwanvu mu kkubo.
c) Okubulwa engeri gye tutyinza y'okukuumira ebyennyanja mu bunnyogovu.
d) Obujama bw'abakozi b'okulyato.
e) Amaato amajama.
f) Enkwata nentereka yebiri ku lyato eteri nnungi (woilo ebissibwamu, amafuta aga disero).
g) Ebbula lyamazzi amayonjo (amazzi amalungi goyinza okunywako).
h) Enkwata y'ebyennyanja embi ko n'engeri gye biyisibwamu nga biri ku lyato.



## 2.2 Enkola Ezisaanidde

a) Ebikozesebwa mu kuvuba nga obutimba tebiteekwa kubeera mu mazzi kumala kiseera kiwanvu.

b) Buli kyenyanja kyandibadde kikwatibwa n'obwegendereza nga kiri ku lyato.

c) Engendo z'okuvuba zibeere nnyimpimpi (tezirina kusussa ssaawa nnya (naddala nga ku lyato tekuliiko mbeera ekuuma ebyenyanja nga birungi/ biramu.

d) Weeyambise bbalaafu okukuuma ebyennyanja nga biramu naddala nga waliwo embeera ekulwisalwisa.

e) Weewale okuvuba ng'omusana gwaka nnyo.

f) Kwata eby'ennyanja abakozi abali ku lyato bye basobola okulabirira.

g) Obudde obw'ekiro obuweweera bwe bulungi okuvubiramu.

h) Kakasa nga bulu kintu ekirimu amafuta kisaanikiddwa bulungi era tekyerinaanyizzaako ku bikozesebwa mu kuvuba oba n'ebyennyanja bye nnyini.



## 3.0 ENKWATA Y'EBYENYANJA KU LYATO

### 3.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okuvubira ewala.
b) Amaato agalina ebisenge ebizibu okuyonja.
c) Emikebe/ ebintu omuyoolebwa ebyennyanja ebitali biyonjo
d) Embeera esobola okuleetera ebyennyanja okusaabaana "oyiro" n'amafuta ku lyato.
e) Obujama bw'abavubi.




## 3.2 Enkola Ezisaanidde

a) Ebyennyanja bikuumire mu mabookisi amayonjo agabikkiddwaako obulungi ng'abantu tebayinza kugalinnyirira.

b) Abakozi ku lyato babeere bangi ekimala okusobola okukola ku by'ennyanja n'obwegendereza ate mu bwangu.

c) Abavubi basaanye okukakasa nti ebyennyanja tebiyonooneka nga beeyambisa obukodyo obuli ku mulembe gamba nga okubissa mu (bibookisi) omuli bbalaafu ku maato oba ku mmotoka ezibituusa webabitikkulira.



d) Eby'ennyanja ebiba birekeddwa ku myalo tebirina ku suulwasuulwa buli wamu kuba kifeebya omutindo gw'omwalo.

e) Eby'ennyanja tebirina kuyitwamu nnyo mpewo yadde omusana oba okuwumuzibwa ku byuuma ebiyitwamu omusana ebbugumu lino ligenda butereevu mu ky'ennyanja ekireetera eky'ennyanja okuvunda.

f) Akaveera/ ettundubaali tekasaana kubikkibwa ku byannyanja ebitambuzibwa kuba kayingiza ebbugumu eribyonoona.

g) Buli kitundu ku lyato ekikwataganako n'ebyenyanja kiteekwa okuyonjebwa buli luvuba.

h) Ebibookisi ebyeyambisibwa okutikkula ebyennyanja okubissa mu materekero amannyogovu oba mu bisiikirize olw'okwewala okubilwiisa mu musana pereketya, bisaanye okulongoosebwa buli lwe bikozesebwa.


i) Buli lwekiba kisobose amazzi gateekebwemu "chlorine" buli lwe mulina bye muyoza.

j) Tossa byannyanja ku ttaka butereevu weewaawo, ekifo ekiriko ka C "seminti"/ embaawo nga ziyonjezebwa entakera zikuuma ebyennyanja nga biyonjo.

## 4.0 OKUKOZESA BBALAAFU OKUKUUMA EBYENNYANJA

### 4.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okukozesa bbalaafu omujama.
b) Okukozesa bbalaafu nga tamala.
c) Enkozesa ya bbalaafu mu mitendera egitali mituufu.
d) Okukozesa agayinja ga bbalaafu aganene ennyo oba amatono.




## 4.2 Enkola Ezisaanidde

a) Fuba onnyogoze ebyennyanja mu bwangu nga wakabikwata, kino kikendeeza obwangu kwe byonoonekera.

b) Kakasa ng'ebyennyanja binyogozebwa bbalaafu mu mmotoka ezinnyogoza ne mu sitoowa mwebiterekebwa kakasa nga buli kitundu kyekyenyanja kinyogoze bulungi.

c) Amangu ddala ng'abikutte, bikuumire mu bookisi esobola okukuuma bbalaafu nga tasaanuuse.

d) Buli kilo ya bbalaaafu yandikoze ku kilo yebyennyanja emu ku lw'okunyogoza obulungi naddala ng'okozesa ekibokisi ekikuuma bbalaafu nga tasaamuse.



e) Ebisaanduuko eb'okuterekebwamu ebitongole byandibadde bigumu nga biri mu mbeera nungi bipangika okulaba ng'obuzito obuli ku ngulu buwanirirwa ebisanduuko ebiri wansi sso ssi by'annyanja! Byangu okuyonja bisobozese bbalaafu okusaanuuka amazzi ne gakulukuta ebweru wa ssanduuko eri wansi waayo, okusinga okudda munda waayo oba ku by'ennyanja ebiri mu ssanduuko ya wansi.

f) Ebibookisi ebikoleddwa mu pulasitiika oba aluminium bye bisinga obulungi ng'obigeraageranyizza ku ebyo ebikolebwa mu mbaawo embaawo si nnyangu kuyonja ate era ssi mpangaazi.

g) Ebibookisi by'ebyennyanja bikozesebwa bwe biti, kuntobo yebookisi yaliirayo bbalaafu awereza ddala centimetres 5 noteekako ebyenyanja. Osobola okwogerako ebyenyanja ebitonotono okutuusa ngebookisi kyenkana kijjudde. Bbalaafu ono olina okumwetoolooza mu bookisi yonna ne mu makkati g'ebyennyanja, n'ebyenyanja ebisembye waggulu biteekeko bbalaafu ng'aweza centimetres nga ttaano ate bookisi tolina kugijjuza bugule olw'ebyennyanja obutasesebbuuka. Ebibookisi bwe bitikkibwa ku binaabyo, ebyennyanja ne bbalaafu birina okwegattagatta ice alyoke atuuke obulungi ku buli nsonda ya bookiisi.

h) Bookisi teteekwa kujjuzibwa, terina kujjula bugule anti bookisi zotikka ku zinaazo ebyenyanja ebiri wansi zandi sesebbula ebyennyanja ebiri wansi.

i) Bbalaafu ateekwa kukoonwa nabeera mu bipimo ebitonotono aleme kuyonoona byannyanja.

j) Bookisi zirina okubeerako obutulituli obuyitamu amazzi agava mu bbalaafu ne gateekuumira ku ntobo ye bibookisi kuba obuwuka obusirikitu bwesiriisizoomwo ne buleetera ebyenyanja okuvunda.

k) Ebisanduuko ebikozesebwa ku byenyanja ebirimu bbalaafu byandibadde bisabikiddwa oba biterekeddwa mu kifo oba bikabada ebyakolebwa nga bikuuma bbalaafu.

l) Singa bookisi ziba zituuziddwa ku zinaazo, ezo eziri wansi ddala ze zirina okuwanirira eziri waggulu obulungi naye ate tezirina kutuula ku byannyanja ebiri wansi.

m) Bookisi ezisabikiddwa ziteekwa kuba ngazi ekimala ng'ebyennyanja bigyamu bulungi nga tebyewesewese yadde okuyisa ebyensuti wabweru, naye ate nga ntono ekimala omuntu gyasobola okusitula singa eba ejjudde, nnyangu okwoza n'etukula era ngerina ekifo amazzi agava mu bbalaafu we gayita.

n) Ng'obadde onnyogoza eby'enyanja bbalaafu mutabuletabule bulungi ate yetaaga kuba mu butundu kuba butonotono (size) singa agayinja gaba manene tegasobola kwetabulatabula bulungi mu byanyanja.

o) Agayinja ga bbalaafu bwe gayitirira obunenene, galeka emiwaatwa egiyisa empewo wakati w'ebyenyanja ne bbalaafu, emiwaatwa gino gijja kulemesa bbalaafu okukola obulungi ekireetera ekyenyanja okubeera mu bbugumu.

p) Yawula ebyenyanja okusinziira we byakwatiddwa n'enjawulo era wakati mu mitendera gyabyo.

q) Yawula obwenyanja obutonotono obwo obulabika okwononekeramu amangu okuva mu binene.

r) Mu mbeera ng'ebyennyanja ebituusiddwa kumwalo byakussaamu munnyo, kale oba nga bya kukalirira sinakindi ng'olugendo oluvubiddwamu si luwanvu nnyo, tuba tetwetaaga kukozesa bbalaafu olw'okukekkereza ensimbi.
Osobola okwongeramu omunnyo ebitundu kkumi ku buli kikumi kwe kugamba kilo y'omunnyo emu ekola mu kilo z'ebyenyanja kkumi nga biri mu bookisi ennyonjo ezikuumiddwa mu bifo ebiweweevu/ ebyekisiikirize.

s) Bwe watabaawo bbalaafu, kifo kiweweevu wadde omunnyo, bibaage obiggyemu ebyenda okubikuuma nga birungi, bikuumire mu kisiikirize oba bibikkeko ebisawo ebinnyogovu nga biyonjo amazzi aganaabivaamu gajja kubiyamba okusigala nga biweweevu.

t) Ekyannyanja nga kigyiddwamu ebyenda, enda gyoza bulungi oggyemu obusigalira bwonna.

u) Bbalaafu ng'omukozesezzaako omulundi ogusooka toddamu kumukozesa mu byanyanja birala naddala ng'abadde akwatiddeko obutundu bwebyenyanja ebivunduvundu.

## 5.0 OKULONGOOSA EBYENNYANJA

### 5.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Ekifo w'oyonjeza ne byokozesa okuyonja nga bijama nnyo.

b) Okukozesa amazzi amajama ng'oyonja.



## 5.2 Enkola Ezisaanidde

a) Weetaaga okukozesa amazzi amayonjo nga bakufukirira (amazzi amayonjo agasobola okunywebwa).

b) Tokozesa mazzi majama ate amazzi g'oba okozesezza togakozesa mirundi gussuka mu gumu kuba obuwuka bujja kutuuka ekiseera busigalenga ku by'enyanja.

c) Ebyenyanja eby'ozeddwa bikuumire mu bookisi ennyonjo

d) Bwoba oyonja eky'enyanja kifukirireko bufukirizi mazzi amatonotono so ssi kunnyika bunnyisi mu mazzi osobole okwewala okuddingana okkozesa amazzi agoozeddwaamu.



## 6.0 OKUBIRONDOBAMU KU N'OKUBISSA MU MITENDERA

### 6.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Abakozi obutabeera bayonjo kimala.

b) Obutayonja bintu bikozesebwa.



## 6.2 Enkola Ezisaanidde

a) Ebyennyanja okutundwa mu bwangu byetaaga okwawulwa okusinziira ku bunene oba obutono bwabyo n'ebika eby'enjawulo ebirimu.

b) Ebyennyanja byetaaga okussa mu mitendera ng'osinziira ku bulungi bwabyo nengeri gye birongoosebwamu gamba nga;
- Ebirungi ennyo bituundibwa bibisi.
- Ebirungirungiko eby'omunnyo ebikaliriddwa oba ebikaziddwa.
- Ebitali ku mutindo, bikolebwemu emmere y'enkoko.

c) Weeyambise bbalaafu obikuume nga biweweevu obudde bwonna era byawule mu bisiikirize nga tofunye bbalaafu.



d) Buli kyokola kikole mu bwangu.

e) Bwo'ba otambuza bya nnyanja bitambulize mu bisero ebiyonjo.


f) Ddamu opakire, pakira buto eby'ennyanja ebirondemu/ ebyawuddwamu ebyennyanja byolonzeemu n'obissa mu mitendera mu bbalaafu omupya.

g) Tomala gakasuka yadde okuyimirira ku by'ennyanja.

## 7.0 EBISOOKERWAKO MU KULONGOOSA EBYENNYANJA (OKUBAAGA, N'OKUJJAMU EBYENDA)

### 7.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Ebintu ebikolebwako ko nebikozesebwa nga  nga bijama.
b) Abakozi nga bajama.
c) Ekifo ewakolerwa nga kijama.



## 7.2 Enkola Ezisaanidde

a) Kozesa akaso nga koogi bulungi ate nga ne wootemera wagumu.


b) Obwambe obuwoolako ennyama buba bwa luwerer bwangu okukozesa naye atenga obukozesebwa okutematema buba bumpi ng'ate bugumu.

c) Obubaawo okutemerwatemerwa si kirungi kubeera bwa mbaawo kuba embaawo si nyangu kuyonja so ne 'steel' sitiiru si mulungi kuba ekyenyanja kiseererako buseerezi naye plastic pulasitiika agatta byombi mwangu okuyonja so ngera ekyenyanja tekimala gaseererako ng'okikolako.

d) Ebikozesebwa biteekwa kubeera biweweevu ng'era byangu okuyonja okugeza emmeeza ng'ozibugirizza ne sitiiru (steel) atatalagga kungulu oba ebya pulasitika. Okukozesa by'emiti bya bulabe kuba bikuuma obuwuka obusirikitu (bacteria) n'obujama.

e) Bookisi mwe batereka ebyennyanja buteekwa kubeerabwa pulasitika, sitiiru (steel atatalagga) 'aluminium' oba seminti atayitwamu tuzzi wadde mpewo.

f) Ekifo awalongoosebwa n'ebirongoosa biteekwa okulongoosebwa buli kadde ng'okozesa sabbuuni atali wa bulabe eri abantu.



## 8.0 ENGERI YOKUJAMU KASASIRO AVA MU BYENNYANJA

### 8.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Enkola ezitasaanidde mu kuyoola kasasiro.

b) Okulemererwa okujjawo kasasiro mu budde ekiyinza okuleeta ebiwuka nga ensowera n'obubu.



## 8.2 Enkola Ezisaanidde

Kasasiro n'ebirala ebiteetaagisa tebiteekwa kulekebwa wansi ku ttaka oba kumpi ne we bakolera, kino kireeta emmese, ensowera era nebyewalula ebirala mu kitundu.



## 9.0 OKUSIBA/OKUSABIKA

### 9.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okukozesa ebisibwamu ebitasaanidde.
b) Ekifo awapakirirwa n'abapakira nga bijama.
c) Okukozesa ebipakirwamu nga bijama.



## 9.2 Enkola Ezisaanidde


Ng'onookuuma omutindo gw'ebyennyanja nga biwedde okukolwako oba nga biri mu mbeera ey'okubikuuma nga birungi, ng'obadde opakira bingi ddala, eby'okutundira awamu nga bingi oba ekimu ekimu, oteekwa okusiba n'obwegendereza ng'okozesa;

a) Bookisi ezitayitwamu masannyalaze oba eza pulasitiika zezikyasinze obulungi mu ku kuuma eby'ennyanja ebibisi.

b) Obuveera obwaliirwa mu bookisi omusabikibwa eby'ennyanja ebikalu tebalina kubaako mazzi wadde kuba kusobola okuzaala obukuku.

c) Obukutiya oba ebisero ebyensimbi ensaamusaamu byandibadde bikozesebwa ng'ebyennyanja bya kutundwa mu bwangu.

d) Okwekuuma obuzzi obwetondawo ng'omukka gukoonye ku kintu ekinyogoga okuyiika ku byennyanja ebikaliriddwa kuba kino kikendeeza amaanyi g'ekirungo ekikuuma ekyenyanja ekyateereddwaamu nga bakalirira.



e) Ebisabikibwamu biteekwa kuba biyonjo, biwangaazi era nga bimalira ddala bulungi atenga si bya bulabe eri obulamu bw'abantu.

f) Mu mpakira eyaffe ey'ekinnansi, ebibbo ebikolebwa mu byayi, bukeedo birina kuba biyonjo. Bookisi ez'emiti n'ebbakuli ez'ebyuuma ziyinza okkozesebwa ku byennyanja ebibisi. Naye ebikalu bisaana mu bookisi ng'eyisa empewo.

## 10.0 OKULAMBA

### 10.1 Enkola Ezitasaanidde

Bw'otolamba by'amaguzi kiyinza okubuzaabuza abaguzi ku kyagula.



## 10.2 Enkola Ezisaanidde

**Obulambe ku byamaguzi ebitwalibwa mu nsi ez'ebweru buteekwa okubaako bino;**

a) Erinnya lye'kyamaguzi embeera yaakyo ye nnyini oba engeri gye kizze kirongoosebwa gamba nga kiteekeddwa mu bbalaafu, kikaziddwa oba kikaliriddwa.

b) Olukalala lw'ebirungo kino kiba kirungo ekigattiddwa mu ky'okulya nga kibadde kikolebwako nga ne mbeera ku ddaala erisemberayo ddala (nga kiwedde okukolwako) ekirungo ekyo kibeeramu so ne bwekiba nga kikyuusiddwamu mu ngeri emu oba endala. Bino biwandiikibwako ng'olambika obuzito bwabyo mu kiseera kye wabikozesa.


c) Ekipimo kyennyini mu grams oba kilograms enamba oba ekitundu kyaayo.

d) Obuwangaazi (ebiseera) Zino ze nnaku eziragibwa ng'ekyamaguzi kiba kikyalimu ebirungo byakyo singa kiba kikuumiddwa bulungi.
Zino ziba ziddirirwa bino; "Kiba kirungi ng'ennaku zino tezinnatuuka oba kiba kirungi ng'omwezi gundi tegunagwaako. Ate ebyamaguzi ebyonooneka amangu ennyo gamba nga ebyennyanja ebibisi ebiyinza okufuuka eby'obulabe eri obulamu bw'abantu mu kaseera mpa we kaage ennaku ez'obuwangaazi bw'ekyamaguzi zikyusibwa ne tuteekawo. Kikozese okutuusa nga …………………….. terunnayita (ennaku z'omwezi).

e) Erinnya n'endagiriro y'omukozi asiba yandiragiddwa.

f) Ensibuko n'ebyafaayo by'ekifo biragibwe

g) Ebiragiro ku byandiragiddwa we kyetaagisiza




FRESH FISH
TILAPIA/NILEPERH
Food for human consumption
This Side Up
Net weight 5Kg
Expiry: 06/2021
Packed on. 06 2020
Lot No. 200311
Store in a cool dry place

## 11.0 ENTEREKA

### 11.1 Enkola Ezitasaanidde

Ebizimbe omuterekebwa nga biri mu mbeera mbi n'amateeka agafuga ebyentereka agatasaana.



## 11.2 Enkola Ezisaanidde

a) Sitoowa z'ebyennyanja ebibisi zandibadde nsiige, nga ziyisa empewo ate nga nnyangu okuyonja .

b) Sitoowa y'ebyennyanja ebikoleddwaako esaana ebeere na bino;


- Ekifo awannyogolezebwa.
- Obumooli obuyisa empewo n'ekitangaala.
- Ebisenge ebya bbulooka.
- Amabaati amalungi oba amategula.
- Enzigi ezisibwa n'ekkufulu eziri gulugulu.
- Amasitoowa agatayingirwamu bisolo.
- Ebituuti eby'embaawo ezaaliriddwa obulungi munda ebyennyanja bireme kubeera ku ttaka.

c) Ebiwandiiko ebiraga ennaku z'omwezi ebyennyanja lwe byakolwako n'ekika kyaabyo byandibaddemu.

d) Ebyennyanja ebyasooka okkolebwako bye biteekwa okusooka okutundibwa, leka kubikuumira eyo emabega mu sitoowa.

e) Wekkenneenye nnyo embeera ebyennyanja gye biterekeddwamu.

f) Sitoowa gikuume nga nnyonjo era ng'etegekeddwa bulungi.



Commonwealth Standards Network

UKaid from the British people

Prepared with assistance from the
Commonwealth Standards Network, a programme sponsored by the
UK's Foreign, Commonwealth and Development Office (FCDO).